Essomo 4

Engeri Katonda Gye Yakola Ensi

Olubereberye 1

Emirembe gibe nammwe mikwano gyaffe abatuwuliriza. Tubalamusa mu linnya lya Katonda ow'emirembe ayagala buli omu okutegeera n'okwewaayo mu kkubo ery'obutuukirivu lye yateekawo n'okufuna emirembe na Ye emirembe n'emirembe. Tuli basanyufu olw'okusobola okukomawo olwaleero okubatuusaako pulogulamu yammwe emanyiddwa nga *Ekkubo Ery'obutuukirivu.* Olwaleero tutuuse ku ssomo ery'okuna lye tutaddeko omutwe ogugamba nti: "Engeri Katonda gye Yatonda Ensi."

Mu pulogulamu yaffe eyayita, twasoma ebyo bannabbi bye bawandiika ebikwata ku **bamalayika ne Setaani**. Twayiga nti olubereberye Katonda yatonda emyoyo bukadde na bukadde, egiyitibwa bamalayika. Mu bamalayika mwalimu omu ng'alina amagezi n'obulungi okusinga. Erinnya lya malayika oyo lyali Lusifa. Kyokka olunaku lwatuuka Lusifa ne yegulumiza mu mutima gwe n'alaga obunyoomi eri Katonda n'okwagala okutwala ekifo kya Katonda. Ekirala bamalayika abalala baasalawo okugoberera Lusifa mu kibi kye. Olwo Katonda atasobola kugumiikiriza abo abamujeemera, yagoba Lusifa ne bamalayika ababi okuva mu maaso ge. Erinnya lya Lusifa lyakyusibwan'ayitibwa Setaani ekitegeeza *Omulabe*. Bwe yamala okugoba Setaani ne bamalayika be, Katonda yabatondera omuliro gwa geyena ogutazikira. Era olunaku lumu Katonda agenda kukanyuga Setaani n'abagoberezi be bonna mu muliro ogwo. Kyokka, Setaani tanateekebwa mu geyena. Ali mu nsi, ng'anoonya yenna gwasobola okulimbalimba nabo bazikirire.

Olwaleero ly'essomo lyaffe ery'okuna mu Byawandiikibwa bya Bannabbi. Mu kitabo ekisooka mu Torah, ekiyitibwa *Olubereberye,* mu ssuula esooka, mu nnyiriri ebbiri ezisooka (Olub. 1:1,2), Ebyawandiikibwa bigamba nti, "*Olubereberye Katonda yatonda eggulu n'ensi. Ensi yali njereere nga yetabuddetabudde; n'ekizikiza kyali kungulu ku buziba: omwoyo gwa Katonda ne gumaamira kungulu ku mazzi.*

Olubereberye, Katonda bwe yasooka okutonda eggulu n'ensi, tewaali kintu kyonna kiramu ku nsi. Buli kimu nga kyetabuddetabudde mu nzikiza. Setaani ne bamalayika be, bebooka abaliwo. Kyokka, Katonda yalina entekateeka y'okutonda abantu, nga balina obusobozi bw'okumumanya, okumwagala n'okumugondera emirembe n'emirembe. Kyokka bweyali tanatonda muntu, Katonda yatekateeka okukola ensi ennungi omuntu mwanabeera mu bugagga obwannamddala. Kale olwaleero tugenda okulaba **engeri Katonda gye yatondamu n'okutegeka ensi** ku lw'abantu beyali atekateeka okutonda.

Ebyawandiikibwa bigamba ki ku ngeri Katonda gye yatondamu ensi? Bitugamba mu Okuva 20:11 nti, "*…mu nnaku omukaaga Mukama mwe yakolera eggulu n'ensi, ennyanja, n'ebintu byonna ebirimu.*" Kati katutunule mu ssuula esooka mu Torah tulabe biki Katonda bye yatonda mu nnaku ezo omukaaga.

1) Ebikwata ku lunaku olusooka Ebyawandiikibwa mu Olubereberye 1:2-5 bigamba nti,

"*Omwoyo gwa Katonda ne gumaamira kungulu ku mazzi. Katonda n'ayogera nti Wabeewo obutangaavu. Ne wabaawo obutangaavu. Katonda n'alaba ng'obutangaavu bulungi: Katonda n'ayawula wakati mu butangaavu n'ekizikiza. Katonda obutangaavu n'abuyita emisana, n'ekizikiza n'akiyita ekiro. Ne buba akawungeezi, ne buba enkya, olwo lwe lunaku olumu.*"

Kale ku lunaku olusooka, Katonda yalagira, “Wabeewo obutangaavu mu kizikiza.” Katonda yalagira ensi, efaanana nga omupiira mu bwengula okwetoloola omulundi gumu buli saawa abiri mu nnya. Eyo y’ensonga lwaki tulina kumpi saawa kkumi na bbiri ez’emisana n’endala kkumi na bbiri ez’ekiro. Kintu kikulu nnyo ddala Katonda kye yakola ku lunaku olwasooka, mu kwawula obutangaavu ku nzikiza!

2.) Ebikwata ku lunaku olw’okubiri, Ebyawandiikibwa mu Olubereberye 1:6-8 bigamba nti,

“*Katonda n’ayogera nti Wabeewo ebbanga wakati mu mazzi lyawulenga amazzi n’amazzi. Katonda n’assaawo ebbanga n’ayawula amazzi agali wansi w’ebbanga n’amazzi agali waggulu mu bbanga: bwe kityo bwe kyali. Katonda ebbanga n’aliyita eggulu (sky).*

Ku lunaku olw’okubiri Katonda yatonda **eggulu (sky) okwetoloola ensi** erimanyiddwa mu sayansi nga *atmosphere*. Omwo mwe muli empewo gye tussa. Era atmosphere ettuubikka n’ewonya buli kintu na buli muntu ebbugumu ly’enjuba n’ebibi ebirala ebyanditutuuseko. Awatali ggulu lino atmosphere Katonda lye yatonda ku lunaku olw’okubiri omuntu teyandisobodde kubeerawo ku nsi.

3.) Ku lunaku olw’okusatu Katonda yatonda **ennyanja ennene, olukalu n’ebimera**. Wuliriza Ebyawandiikibwa kye bigamba mu Olubereberye 1:9-11,13 nti,

Katonda n’ayogera nti Amazzi agali wansi w’eggulu gakung’aanire mu kifo ekimu, olukalu lulabike: bwekityo bwe kyali. Katonda olukalu n’aluyita ensi; n’ekkung’aaniro ly’amazzi n’aliyita ennyanja. Katonda n’alaba nga birungi. Katonda n’ayogera nti ensi emere ebimera, omuddo ogubala ensigo, omuti ogw’ebibala, ogubala ebibala mu ngeri yaagwo, ogulimu ensigo yaagwo, ku nsi: bwe kityo bwe kyali. Ensi n’emera ebimera, omuddo ogubala ensigo mu ngeri yaagwo n’omuti ogubala ebibala, ogulimu ensigo yaagwo: Katonda n’alaba nga birungi. Ne buba akawungeezi, nebuba enkya, olwo lwe lunaku olw’okusatu.

Kale ku lunaku olw’okusatu, Katonda, Omuyiiya Omukulu yatonda ennyanja, emigga, wamu n’enkumuliitu y’emiti n’ebimera eby’enjawulo, buli kimu nga kirina ebibala n’ensigo zaakyo. Katonda yakola emmere ey’enjawulo ewooma: miyeembe, meenvu, binazi, meloni, nnyanya, emboga, kalati, mupunga, bulo, binyeebwa n’ebika by’emmere ebirala bingi. Ate Katonda yagamba ku buli kye yatonda nti, “*Kirungi!*” Buli kimu Katonda ky’atonda oba ky’akola kiba kirungi, kyewunyisa era kituukirira! Tumaze okulaba nti waliwo ekintu kimu kyokka Katonda ky’atasobola kukola. Katonda tasobola kukola kintu kyonna kibi, kubanga Katonda mulungi!

Obolyawo abamu mwebuuza nti, “Oba nga Katonda mulungi, lwaki ensi ejjudde ebibi n’obuyinike? Lwaki bye nnasimba omwaka guno byanfirira? Lwaki omwana wange mulwadde? Oba nga Katonda mulungi lwaki ekibi kitutunukira mu bantu? Kituufu ebibuuzo bino bikulu bikulu, era Ebyawandiikibwa bituwa eby’okuddamu ebimatiza bye tujja okuwulira mu misomo gyaffe egijja. Kyokka olwaleero kankunsabe busabi tukumire mu mmeeme zaffe amazima amakulu gano nti: Katonda mulungi, era n’olwekyo, **buli kimu Katonda kye yatonda kirungi.**

Katumale akadakiika tulowooze ku **bulungi bwa Katonda.** Twakamala okuwulira engeri gye yatondamu emiti ku lunaku olw’okusatu. Omanyi lwaki Katonda yatonda emiti n’ebibala bya gyo. Kastonda yali abyetaaga ku lulwe? Olowooza yatonda emiti n’ebibala asobole okwewonya enjala? N’akatono! Katonda Omutonzi talina njana era talina kye yetaaga. Kale lwaki Katonda yatonda emiti? Ebyawandiikibwa bitulaga nti mu bulungi, Katonda yatonda buli kimu olw’omuntu gwe yategeka okutonda ku lunaku olw’omukaaga.

Okkiririza mu bulungi bwa Katonda? Osobola okuloza ku muyembe n’obuwoomi bwagwo, oba okuwunya ku kimuli nowulira akaloosa n’ova awo n’otalaba bulungi bwa Katonda? Oyinza okulaba omuti omulangavvu n’oteebaza Oyo eyagukutondera? Awatali miti obulamu bwandibadde bubi nnyo. Twandibadde tetulina nku za kufumbisa, yadde embaawo ezizimbisibwa mu nyumba ne mu

maato. Tetwandibadde na bisikirize bya kuwumuliramu n'okwewogoma omusana, yadde amakoola ga kyaayi n'eddagala. Awatali miti obulamu tebwandisobose. Ate Katonda teyakoma kukututondera miti naye yagattako n'ebirala bingi ebitusanyusa. Katonda ayagala tumanye obulungi bwe. Ekyo nnabbi Dawudi kye yawandiika mu Zabbuli 34:8 nti, "*Mulege mutegeere Mukama nga mulungi.*" Naye kati tuteekwa okugenda mumaaso n'essomo lyaffe erya leero ng'obudde tebunatuggwaako.

4.) Ku lunaku olw'okuna, Katonda yagamba mu Olubereberye 1:14 nti, "*Wabeewo ebyaka mu bbanga ery'eggulu, byawulenga emisana n'ekiro; bibenga ng'obubonero, n'ebiro, n'ennaku n'emyaka.*" Katonda yawa buwi kiragiro, **enjuba, omwezi n'emunnyeenye** ne bibaawo mu ggulu. Katonda yayogera ekigambo ekirala era ensi n'etandika okwetoolola enjuba. Yayogera nate era omwezi negutandika okwetoolola ensi.

Katonda yakozesa ki okutonda buli kimu mu nsi? Ebyawandiikibwa bitugamba ki? Bigamba mu Abaebbulaniya 11:3 nti,

"*...ebintu byonna byakolebwa kigambo kya Katonda, era ekirabika kyekyava kirema okukolebwa okuva mu birabika.*" Ate Yokaana 1:1-3 agamba nti, "*Ku lubereberye waaliwo Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda. Oyo yaliwo ku lubereberye awali Katonda. Ebintu byonna byakolebwa ku bw'oyo; era awataali ye tewaakolebwa kintu na kimu ekyakolebwa*.

Tumaze okusoma nti ku lunaku olwasooka Katonda yayogera bwogezi n'agamba nti, "*Wabeewo obutangaavu*" era newabaawo obutangaavu. Ku lunaku olw'okubiri Katonda yagamba nti, "*Wabeewo ebbanga*" era newabaawo ebbanga. Ku lunaku olw'okusatu Katonda yayogera nate era kyeyayogera nekibaawo n'ennaku endala bwegwaali. Kale n'olwekyo Katonda yakozesa ki okutonda buli kimu ekiriwo? Katonda talina kye yakozesa okujjako **Ekigambo Kye!** Yayogeranga bwogezi, era kyeyayogeranga kyatuukirira. Katonda yatonda buli kimu ng'akozesa Ekigambo Kye era abeezawo buli kimu (byonna n'abikwataganya) ng'akozesa **Ekigambo Kye ekijjudde amaanyi**. Maanyi ga Kigambo kya Katonda agabeeza omwezi n'emmunyeenye mu bifo byabyo nga bwe byagabwa. Lwa kiragiro kya Katonda enjuba okuvaayo n'okugwa buli lunaku ku biseera ebyagerebwa. Fumiitiriza obuzibu bwetwandifunye, singa tetusobola kumanya oba enjuba eneevaayo enkya oba nedda. Ebyawandiikibwa bigamba mu 1 Abakkolinso 1:9 nti, "*Katonda mwesigwa…*" Asobola okwesigamwaako. Tasatuluula ky'agambye. Tagenda n'olumu kukyuka. Mu 1 Peetero 1:25 agamba nti,"*...Ekigambo kya Mukama kibeerera emirembe n'emirembe.*"

5.) Ku lunaku olw'okutaano, Katonda yatonda enkumi n'enkumi z'ebyennyanja n'ebinyonyi. Ebyawandiikibwa bigamba mu Olubereberye 1:20-23 nti:

"*Katonda n'ayogera nti Amazzi gazaale ebyewalula bingi ebirina obulamu, era n'ekibuuka kibuuke ku nsi mu bbanga ery'eggulu. Katonda n'atonda balukwata abanene, na buli ekirina obulamu ekyewalula, amazzi kye gaazaala mu ngeri zaabyo, na buli ekibuuka ekirina ebyoya mu ngeri yaakyo: Katonda n'alaba nga birungi. Katonda n'abiwa omukisa n'ayogera nti Mweyongere mwale mujjuze amazzi ag'omu nnyanja, era n'ebibuuka byeyongere mu nsi. Ne buba akawungeezi, ne buba enkya, olwo lwe lunaku olw'okutaano.*"

6.) Ku lunaku olw'omukaaga, Ebyawandiikibwa bitugamba nti Katonda yatonda **ebisolo n'omuntu**. Eky'omukisa omubi, tetulina budde bumala olwaleero kunnyonnyola mukolo guno omukulu. Katonda bwaaba ayagadde mu pulogulamu yaffe eneddako tujja, n'obwegendereza, okwekenneenya Ebyawandiikibwa kye bigamba ku ngeri Katonda gye yatondamu omuntu eyasooka na lwaki yamutonda.

Olwaleero tulowoozezza ku **bulungi bwa Katonda**. Tusomye nnabbi wa Katonda, Dawudi, bwe yawandiika n'agamba mu Zabbuli 34:8 nti, "*Mulege mutegeere Mukama nga mulungi.*" Mikwano gyange, muleze ku bulungi bwa Katonda? Buli lunaku tulya eby'okulya eby'enjawulo Katonda bya tugabiridde, naye ddala tutegedde obulungi bwa Katonda? Bw'oba nga ddala oyagala okulega

obulungi bwa Katonda oteekwa okuwuliriza n'okukkiriza Ekigambo kye Katonda. Ebyawandiikibwa Ebitukuvu bigamba mu Matayo 4:4 nti, "*...Omuntu tabanga mulamu na mmere yokka, wabula na buli kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda.*" Mu ssomo lyaffe erinaddako, tujja kukizuula nti omuntu si mubiri bubiri, naye wamu n'omubiri alina omwoyo. Emyoyo gyaffe giteekwa okulisibwa ebigambo bya Katonda. Ekigambo kya Katonda kirungi nnyo nnyo era tekigerageranyizika, naye tulina okufuna enjala ku kyo. Omwoyo gwo gulina enjala y'okumanya Katonda n'Ekigambo kye eky'emirembe gyonna. Omwoyo gulina enjala nga olubuto bweruba n'enjala y'emmere? Bwoba olina enjala ku Kigambo kya Katonda mu ngeri eyo, ojja kuvumbula Amazima agasobola okukuwa emirembe gyennyini egyannamaddala ne Katonda Ye kennyini akisuubiza, bw'agamba mu Matayo 5:6 nti, "*Balina omukisa abalumwa enjala n'ennyonta olw'obutuukirivu: kubanga* ***abo balikkusibwa***." Amiina

Mwebale nnyo bannaffe okuwuliriza. Tubasaba mutwegateko nate omulundi ogunaddako tulabe engeri Katonda gye yatonda omuntu eyassoka, n'okusingira ddala, lwaki yamutonda.

Nsaba Katonda akuwe omukisa era nsaba oleme n;olumu okwerabira nti akuyise era akulinze ye kennyini.

"***Mulege mutegeere Mukama nga mulungi!*** (Zab. 34:8)